# ENDAGIRIRO EFUGA ENKWATA Y'EBIVUBIBWAN'EBIVA MU BYENNYANJA KU MITENDERA EGYENJAWULO



FOR GOD AND MY COUNTRY
THE REPUBLIC OF UGANDA

Ministry of Agriculture,
Animal Industry & Fisheries
Directorate of Fisheries Resources

UNBS

# ENDAGIRIRO EFUGA ENKWATA Y'EBIVUBIBWAN'EBIVA MU BYENNYANJA KU MITENDERA EGYENJAWULO

## CONTENT


1.0 ENSIBUKO
2.0 EBYEETAGISA OKUFUNA OLUKUSA (LAYISINSI) W'OKUSUUBULA EBYENNYANJA N'EBIBIVAAMU
3.0 ENGERI Y'OKUKOLA KU BYENNYANJA NGA BITUUSE KU MWALO
4.0 EBBAAGIRO/EDDONGOSEREZO LY'EBYENNYANJA
5.0 ENKOLA ENEEGOBERERWA MU NKWATA YEBYENNYANJA MU BUTALE BWAFFE
6.0 ENNAMBIKA Y'ENKWATA Y'ENNUUNI ENTONGOLE
7.0 OBUVUNAANYIZIBWA BWA BAKWATIBWAKO MU NSONGA Z'OBUSUUBUZI BW'EBYENNYANJA ENUUNI N'EBIRALA EBIVAAMU
8.0 OKUWUMBA WUMBA

## 1.0 ENSIBUKO

Akawaayiro katuwa okumanya okusookerwako ku teeka, ebigendererwa ne nnono ezitumanyisa engeri y'okukuuma omutindo gw'ebiva mu by'ennyanja. Akawaayiro kano kalung'amya enkola egobererwa, mu nkwata enkalirira ennoongoosa, ensabika n'entunda ye byennyanja.

Okussa mu nkola amateeka agakwata ku byennyanja, ebiragiro bino bikoleddwa okugunjawo enkola ey'omutindo ennambulukufu nga etwaliramu abakwatibwako bonna nga, bibamanyisa ebisaanyizo ebisookerwako ebiteekwa okutuukirizibwa eddongoserezo lyonna eritwala ebyennyanja wano mu katale aka bulijjo.

Ekitongole ekivunaanyizibwa ku by'envuba n'omutindo gwe byennyanja kikakasa akatale k'ebyennyanja byaffe kaakubaawo singa tukuuma omutindo n'etwewala enkola embi eziyinza okutaataaganya obusuubuzi bw'ebyennyanja wabweru w'eggwanga ekiyinza okuvaamu okudda emabega oba okuddirira mu by'enfuna n'ebyemirimu singa akatale kaffe akakulu kagoba oba kagaana ebyennyanja byaffe n'ebibivaamu.

### Ekigendererwa/ekiruubirirwa Ky'ennyingo

(i) Okussaawo ebigobererwa ku nkwata, ennongoosa, entunda n'obusuubuzi bwe byennyanja nga bino bya kugobererwa abo ab'enyigira mu mulimu guno nga bigenderera okukendeeza oba okujjirawo ddala enkola ezitaatagaanya mutindo gw'ebyennyanja wakati mu kusoosoowaza obwenkanya, obwerufu mu mulimu gweby'obusuubuzi.

(ii) Okussaawo enkola ennuŋŋamu ku mutindo mu mitendera egyenjawulo n'okwaniriza okwenyigiramu kw'abo bonna be kikwatako, mu kumanyisibwa ebisaanyizo ebisookerwako ebirina okutuukirizibwa eddongoserezo oba ebbaagiro ly'ebyennyanja ku ddaala ly'ebitundibwa wano mu ggwanga era

n'okwanguyiza Gavumenti okusolooza/okukuŋŋaanya emisolo egiva mu mulimu guno.

(iii) Okwongera amaanyi mu nkola entongole omuli okufunira empapula/ebbaluwa, okwekenenya, okulondoba, n'okwekebejja kw'ebyennyanja okukakasa nga amateeka agaabagibwa oba gassibwa mu nkola eyamba okulondoola n'okukuuma omutindo gw'empuuta ezitundibwa wabweru w'eggwaga gagobererwa.

(iv) Okukakasa nti ebyennyanja en'ennuuni bitundibwa wabweru w'eggwanga nga bimale kukakasibwa kitongole ky'ebyenvuba n'ebyennyanja [Directorate of Fisheries Resources]. Okulaba nga obuzibu obuyinza okuva ku kutunda ebyennyanja ebitatuukana na mutindo bujjibwawo oba okukendeezebwa okwewala ebiyinza okuva mu kufiirwa akatale kaffe akanene ak'ebweru w'eggwanga.

(v) Okutumbula omutindo gw'okumanyisa n'okwagaza awatali kuwalirizibwa abo bonna b'ekikwatako mu mugendo gw'obusuubuzi bwe byennyanja.

## 2.0 EBYEETAGISA OKUFUNA OLUKUSA (LAYISINSI) W'OKUSUUBULA EBYENNYANJA N'EBIBIVAAMU

Abasuubuzi b'ebyennyanja n'ebivaamu bateekwa okufuna ebbaluwa entongole ebakkiriza okwenyigira mu mulimu guno era nga ebyetaagisa okugifuna bye bino;

a) Ennamba eyobwannannyini ekozesebwa okusasula ekitongole ky'ebyemisolo – URA (TIN NUMBER).
b) Ennangamuntu oba pasipoota.
c) Essimu n'omuntu gye/abeera (amaka ge).
d) Emyaka egy'omusuubuzi.
e) Enjokyo (copy/kopi) ya layisensi enkadde.

f) Foomu ey'okusaba layisensi ejjuziddwa ku mukutu gwa yintaneti.
g) Obukakafu bw'okwewandiisa okuva ku yafeesi egaba layisensi.
h) Obukakafu bw'okusasula okuva ku banka okusinziira ku kika kya layisensi gye asabye.

## 3.0 ENGERI Y'OKUKOLA KU BYENNYANJA NGA BITUUSE KU MWALO

Embeera eziteekwa okugobererwa mu nkwata y'ebyennyanja ku mwalo;

a) Ebyennyanja byonna ebivubiddwa biteekwa "kugobera" ku myalo mitongole gyokka era biteekeddwa okwekenneenyezebwa abakungu ab'ekitongole ky'ebyenvuba ku mwalo.
b) Teri kinaala (lyato) kinakkirizibwa kugoba ku mwalo gwonna nga kyetisse ennuuni oba ebyennyanja ebiwedde okulongoosebwa.
c) Ebyennyanja ebitundibwa binaabanga n'ebbaluwa ebikkiriza okutambuzibwa era enalaganga obungi bwabyo ne gye biraga.
d) Eby'enyanja ebiva ku mwalo biteekwa okutwalibwa nga biramba tebibaagiddwa okujjako ebigenda okutundirwa awo mu batuuze ab'omukitundu ekyo.
e) Ebyennyanja ne bye tujjamu byo binaatambuzibwanga mu bikozesebwa ebiyonjo okutuuka ku dongoserezo.
f) Eby'enyanja byonna byanditambuziddwa mu bisanduuko mu mmotoka ebisobola okukuuma obunyogovu.
g) Ebidduka ebitambuza eby'ennyanja nga bikuuma obunnyogovu biteekwa okufuna ebbaluwa entongole ebikkiriza okukola ekyo.
h) Abakozi abakola mu byennyanja bateekwa okwambalayunifoomu n'enkoofiira ebiyinjo ddala nga bakola omulimu guno.
i) Abakozi abakola mu byennyanja bateekwa okukeberebwa abasawo abakugu mu ngeri y'okwekeneenya embeera

z'obulamu bwabwe oba zibasobozesa okuweereza mu kkowe eryo.

## 4.0 EBBAAGIRO/EDDONGOSEREZO LY'EBYENNYANJA

a) Teri muntu aneenyigiranga mu kusala wadde okulongoosa ebyennyanja ku myalo nga tafunye layisensi oba ebbaluwa entongole okuva ew'omutongole agaba ebbaluwa ezo waggulu.

b) Okwabuluza/okubaaga oba okulongoosa ebyennyanja kinaakolebwanga mu kifo ekyakirizibwa wabweru w'ekifo ekikwanaganya ebyennyanja ebitwalibwa emitala wa mayanja, naye nga era kiri ku mwalo gwennyini.

c) Abasaba olukusa okutongoza ekizimbe awalo ngoosebwa ebyennyanja banaasooka nga kuwaayo pulaani zaakyo eri ekitongole ekivunaanyizibwa ku by'envuba n'entunda y'ebyennyanja nga tebannagenda mu maaso na kuzimba.

d) Pulaani ye dongoserezo lino eteekwa okulaga bino;
   (i) Awasangibwa/awaterekerwa amazzi amayonjo mu bidomola oba peyiro.
   (ii) Ebimeeza ebiweweevu oba ebiseeteevu nga byangu byakwoza n'amazzi nga kw'otadde n'awanaabirwa engalo awateereddwa ssabuuni.
   (iii) Ebiyigo byabo abakolera wo nga biri kumpi ko.

e) Ekifo kino kiteekwa okuba mu kikomera.

f) Abakozi bonna abakola mu byennyanja banagobereranga enkola ezokwekuuma nga bayonjo ddala omuli okunaaba mu ngalo nga tebannatandika kulongoosa byanyanja, okukeberebwa abasawo abakugu emirundi ebiri buli mwaka n'okuweebwa ebbaluwa ekakasa nti embeera z'obulamu bwabwe nnungi ekimala okubasobozesa okukola, nga kw'otadde n'okuba nga bambala yunifoomu ezi bakugira okufuna obuvune nga bali ku mulimu, ebyambalwa ku mutwe, magetisi oba engatto z'omumakolero wamu n'okutendekebwa okukuuma obuyonjo bw'omubiri, n'okukuuma omutindo gw'ebyokukola.

g) Edongoserezo ly'ebyennyanja liteekwa okubeera n'awakuumirwa ebyennyanja n'ennuuni nga watuukana n'omutindo era nga waakakasibwa (nga waliwo ebinnyogoza).

h) Ebyennyanja n'ebirungi ebibigibwamu binaakuumirwanga ku bunnyogovu obwekuusa ku bwa balaafu.

i) Ebyennyanja byonna ebinaaleetebwa mu ddongoserezo oba ebbagiro eritali kkolero, binawerekerwanga ebbaluwa okuva mu yaafesi y'omukungu evunaanyizibwa ku by'obuvubi okusobola okubikiriza okutambula.

j) Eddongoserezo linaalondolebwanga kalondoozi omutongole mu by'envuba n'ebyebyennyanja avunanyizibwa ku kitundu ekyo.

k) Omutindo omutuufu ogwe ddongoserezo gunaasalibwangawo ssabakungu mu nsonga z'obuvubi (Chief Fisheries Officer).

l) Eddongoserezo linaabaanga n'olukiiko okufuzi n'enteekateeka y'ebyokukola mu maaso.

m) Ebyennyanja ebyokulongosobwa biteekwa okuba n'ekigero mu buwanvu n'obuzito) ekituukana n'omutindo ogwalambikibwa mu mateeka g'ebyenvuba agaayanjulwa mu 2010.

n) Eby'ennyanja ebibisi n'ennuuni binaasaabazibwanga ebidduka ebirimu obunnyogovu nga obwa balaafu.

o) Ennuuni ezifuluma/ezitwalibwa okuva mu ddongoserezo zinaamalanga kuweebwa bbaluwa/pamiti ntongole ezikkiriza okutambuzibwa nga y'anuuni zokka.

p) Ebyennyanja ebiwedde okulongoosebwa nabyo binaamalanga kuweebwa bbaluwa/pamiti ebikkiriza okutambuzibwa eno nga ya byannyanja byokka.

q) Eby'ennyanja ebirongooseddwa n'ebiramba tebitwalibwenga mu kisituliro oba mu mmotoka emu.

r) Eby'ennyanja ebirongooseddwa n'ennuuni tebitwalibwenga mu kisanduuko kye kimu.

s) Ebidduka/ebinakozesebwanga mu kutambuza eby'ennyanja n'ebirungi ebivaamu zinaamalanga kuweebwa satifikati ne layisensi ebikakasa nti zekennenyezebwa abakugu okulaba nga zituukana n'omutindo okukola omulimo ogwo.

t) Okutambuza eby'ennyanja ku pikipiki kunaakol ebwanga mu bisanduuke ebinnyogoga.

u) Buli atambuza eby'ennyanja ateekwa okuba n'olukusa okukola omulimu ogwo.

## 5.0 ENKOLA ENEEGOBERERWA MU NKWATA Y'EBYENNYANJA MU BUTALE BWAFFE

### 5.1 Ebyennyanja ebibisi:

a) Kola okusaba kwo ofune layisinsi nga bwe kirambikiddwa waggulu.

b) Wanaabangawo ekifo ebitegekeddwa okutundirwamu eby'ennyanja mu katale.

c) Abatunda n'okusuubula eby'ennyanja bateekwa okwambala yunifoomu nga bakola omulimu gwabwe.

d) Ebifo awabaagirwa eby'ennyanja wandibadde wayonjo bulijjo ate nga wangu okwoza.

e) Wateekwa okubaawo ebifo ebinnyogovu omuterekwa ebyennyanja.

f) Ebifo bino biteekwa okuba n'awanaabirwa engalo.

g) Abakola mu byennyanja bateekwa okwekebejjebwa abasawo abakugu era n'ekikakasibwa nti basaanidde okukola.

h) Wandibaddewo amazzi amalungi ag'okunywa obudde bwonna.

### 5.2 Enkwata y'ebiva mu byennyanja ebikalirire.

a) Kirina kolebwa ku katandaalo oba ebimeeza ebi gulumivu okuva ku ttaka.

b) Ebimeeza ebyennyanja kwe biwummuzibwa byandibande bigumu, biweweevu, biyonjo obudde bwonna era nga biyonjeka.

c) Ekifo ekikolerwamu kyandibadde kiyonjo buli banga nga kirina ne nteekateeka etwala amazzi ne kasasiro.

d) Wandibaddewo ekifo ekituufu eby'enyanja we biterekebwa
e) Abakola omulimu guno bandibadde bambadde engoye ez'omulimu n'enkofiira mu budde obwokukola.

## 6.0 ENNAMBIKA Y'ENKWATA Y'ENNUUNI ENTONGOLE

a) Ennuuni zinajjibwanga okuva mu buwago bw'ebika by'ebyanyanja ebirondemu ebiri ku mutindo ogukirizibwa era ebisaanidde okuliibwa abantu.
b) Obuwago bunajibwanga mu byennyanja ebikulu nga bituukana n'amateeka n'ebiragiro bye by'obuvubi.
c) Ennuuni zisaanye zoozebwe n'amazzi amayonjo. Oluvannyuma lw'okwoza, ennuuni zinaayanikibwanga mu kasana oba ebyuma ebikasa nga musigaddemu otuzzi otusaanidde.
d) Oluvannyuma lw'okwoza, ennuuni zinaayanikibwanga mu kasana oba ebyuma ebikasa nga musigaddemu otuzzi otusaanidde twokka.
e) Ennuuni ezaanikiddwa okukala zisaanye okukumibwa obutatuukibwako musenyu, obujama, wadde obuwuka.
f) Ennuuni enkalu oba ezikamuse zandibaddenga era n'akawoowo ak'ennuuni enkalu era tezibe nga na kabonero ka kwononeka okugeza nga okuwumba.
g) Ennuuni ezimaze okulongoosebwa, n'okwanikibwa, zinaabanga ezo ezituukiridde, ezitaliimu mabala, obutonyeze, emisuwa gy'omusaayi n'ebijjamu ebya buli ngeri.
h) Ennuuni enkalu zandibaddemu ottuzi ebitundu munaana kubuli kikumu (8%), oluvuvuvu ku buli kikumi (15%) okutwalira awamu ebitasussa ebitundu 15%
i) Ennuuni enkalu tezibe na bipimo bya buwuka oba busuka ku bino wamanga:

| **Ekiriisa** | **Obungi obutufu** | **Enkola yökuima** |
|---|---|---|
| Salmonella in 25g | Temuli | ISO 6579 |
| E.Coli per g | Temuli | ISO 7251 |
| *Staphylococcusaureus* CFU per g | $10^3$ | ISO 6888-1 |
| Total viable count | 105/g | ISO 4833 |
| Clostridium perfringers | Temuli | ISO 7937 |
| Yeast and Moulds | $10^4$ | ISO 21527-1 |

| **Ekika Ky'obukyafu** | **Obungi (mg/kg)** | **Enkola Y'okupima** |
|---|---|---|
| Arsenic | 0.1 | US ISO 27085 |
| Lead (Sasi) | 0.3 | US ISO 27085 |
| Cadmium | 0.3 | US ISO 27085 |
| Mercury | 0.5 | AOAC 990.04 |

j) Ennuuni tezibengamu kirungo kya "aflatoxin" kisukka. "Mayikulogulamu" ttaano (5) ku buli kilo mpozzi okujjako ekya aflatoxin B1 bwe baba nga abakugu bakozesezza enkola eya 150 16050 okwekenneenya obuzito bw'ekirungo kino mu nnuuni z'ebyennyanja.


k) Obunji bwebisigalira oba obukanja bw'eddagala ly'obuwuka mu nnuuni z'ebyennyanja tebusukkenga kw'obwo obwa bagibwawo ekitongole kimanyiddwa nga "Codex Alimentarius Commission".

l) Singa wabaawo ebirungo bikozesebwa mu kulongoosa n'okuteekateeka ennuuni bino byandi wandikiddwa ku kaapa k'okunnuuni akannyonnyola ennuuni epakiddwa.

m) Ensabika y'ennuuni eteekwa okugoberera entereeza/enkola/amateeka agassibwawo abakugu abakola ku mutindo gw'ebyennyanja.

n) Okulamba/okunnyonnyola ekyokulya ekisabikiddwa okutundibwa kyandibadde kiriko obuwandiike ne bwino atasanguka nga buliko bino wammanga:

- Erinnya ly'ekyamaguzi ekipakiddwa.
- Erinnya n'endagiriro ekkolero/edongoserezo gye lisangibwa
- Obuzito bw'ebyamaguzi mu gulaamu oba kilo.
- Ennaku z'omwezi ebyamaguzi lwe byasibwa
- Ennamba eyawula buli ekisibiddwa
- Ennaku z'omwezi ebya maguzi kwe binaakoma okuba eby'omutindo/nga biramu
- Engeri ebya maguzi gye biteekwa okuterekebwamu.
- Ensi ebyamaguzi mwe bisibuka/biva.
- Obuwandiike obulaga ebiriisa ebirimu ebiyinza okuva mu kukozesa ebya maguzi ebyo bye beenyumirizaamu.
- Obuwandike obulaga ebirisa ebiri mukyamaguzi.


This Side Up
FISH MAWS
PRODUCT
OF
UGANDA
Food for human
consumption
Net weight 5Kg
Expiry: 06/2022
Mfg. 06 2020
Lot No. 00010
Store in a cool dry place
Nutrition Information
Country of origin

## 7.0 OBUVUNAANYIZIBWA BWA BAKWATIBWAKO MU NSONGA Z'OBUSUUBUZI BW'EBYENNYANJA ENUUNI N'EBIRALA EBIVAAMU

### 7.1 Abalongoosa n'okutunda ennuuni wabweru w'eggwanga

a) Okwewandiisa n'okufuuka mmemba mu kibiina ekikola omulimu guno n'okufuna obukakafu bwobwa memba mu kibiina.
b) Okulaga obukakafu obwendagaano y'okusuubuza n'amalongooserezo g'ebyennyanja agakakasibwa.
c) Okusaba n'okufuna layisensi ng'abayita mu kujjuza foomu nga bakozesa omukutu gwa yintaneeti/ku mutimbagano.
d) Okutondawo eddongoosezo ly'ebyennyanja.
e) Ebizimbe omulongoosebwa eby'enyanja binaalambulwanga era bwe binaatuukananga n'omutindo binaaweebwanga ebbaluwa ebikakasa nga tebinnafuna layisinsi.
f) Abasuubuza ennuuni mu mawanga ag'ebweru bateekwa okussaawo enkola erondoola era esobozesa ebisaanyizo ebirala ebirambikiddwa mu mateeka agafuga ebyenvuba n'ennunda y'ebyennyanja agabagibwa mu 2017.
g) Abatunzi b'ennuuni obweru w'eggwanga banaagulanga (banaasuubulanga) ennuuni okuva mu bagisuubuza obutereevu okuva mu Nnyanja ate eyongeddwamu ebirungo yo bagigule butereevu ku ddongooserezo.
h) Teri musuubuzi wa nnuuni egenda ebweru akkirizibwa kugula nnuuni kuva ku myalo.
i) Abatwala ennuuni wabweru wa mawanga bateekwa okulangirira ababasuubuza ennuuni nga balaga nti oba bagula ku makolero oba basuubuzi aba bulijjo.
j) Bateekwa okusasula omusolo ku buli kyannyanja ekifuluma eggwanga lya Uganda.
k) Abalongoosa n'abatunda ennuuni ebweru kibakakatako okulaga engeri omulimu bwe gutambudde buli mwezi.

## 7.2 Obuvunaanyizibwa bwa ba nannyini maato n'abavubi

a) Okwewandiisa nga nnyini lyato oba ng'omuvubi.
b) Beera ne layisinsi, nannyini layisinsi anaawangayo ebikulu ebikwata ku layisensi enkadde nga tannaweebwa mpya.
c) Abawereeddwa layisensi bajja kuguza/kutunda eby'ennyanja eri abo bokka abalina layisensi ez'okusuubula oba eri abantu ab'omukitundu abagula ebyokulya.

## 7.3 Obuvunaanyizibwa bw'omusuubuzi w'ennuuni

a) Okuwaayo obuwandiike obwetaagisa okuweebwa layisensi. Abasuubuzi b'ennuuni bateekwa okulaga obukakafu bwendagaano gye baakola ne ddongoserezo ly'ebyennyanja.
b) Omusuubuzi w'ennuuni ateekwa okugoberera n'okukkiriziganya n'enkola entongole omuli okulondoola, obuwandiike mu mpapula, okulondoba, okwekebejja n'ebimukakasa nga okusiima kwabo buyinza bwe kunabanga.
c) Anaabanga n'obuvunaanyizibwa obw'okusasulira n'okufuna layisensi
d) Okugula ennuuni okuva mu babirongoosa abakkirizibwa okukola ekyo.
e) Okugula ennuuni nga emaze kutuuka ku mwalo so si ebuziba (mu mazzi)
f) Okukuuma omutindo gw'eby'ennyanja mu kubisaabaza ne mu kubitunda.
g) Okulaga ensasaanya n'amagoba eri akakiiko akafuga eby'obuvubi.

## 7.4 Obuvunaanyizibwa bw'atambuza ebyennyanja

a) Okuwaayo obuwandiike obwetaagisa okuweebwa layisensi.

b) Okusasula n'okufuna layisensi.
c) Okugula eby'ennyanja nga tebinnajjibwamu byenda okuva ku bannyini maato.
d) Okutunda eby'enyanja eri aba makolero agalongoosa eby'ennyanja ne mubutale obw'eggwanga.
e) Okukuuma omutindo gw'ebyennyanja mu kutambuzibwa ne mu katale
f) Okuwaayo embalirira n'okulaga amagoba n'emisolo ebiba bivudde mu busuubuzi bwabwe eri ekitongole eky'ebyenvuba n'ebyobugagga eby'omunyanja.

**7.5 Obuvunaanyizibwa bw'ekitongole ky'ebyenvuba, n'ebyobugagga eby'omunnyanja**

a) Okuwa enkola ennuŋŋamu n'okulambika obuvubi ey'enkomeredde.
b) Okussaawo enkola ez'okukugira nga akakiiko akalina obuyinza ku kuvuba.
c) Okukola emisomo okusomesa n'okuluŋŋamya bonna be kikwatako.
d) Okukola entegeka ezikulaakulanya omutindo gw'ebyobuvubi n'obusuubuzi.
e) Okutumbula enkola eya "PPP" mu kukulaakulanya emitendera gy'omutindo gw'ennuuni.

## 8.0 OKUWUMBA WUMBA

Amateeka gano ga kugira nga gakola nga ekipimo ekitongole okutuusa nga Minisitule evuddeyo n'etteeka eppya erifuga obuvubi n'obulunzi bw'ebyennyanja. Amateeka gano ganaakyusibwanga buli lwe kineetaagisa.

Commonwealth Standards Network

UKaid
from the British people

Prepared with assistance from the
Commonwealth Standards Network, a programme sponsored by the
UK's Foreign, Commonwealth and Development Office (FCDO).